

ENTEKATEKA YA KATONDA ERI ENSI – N’AWE

Bw’onomala okusoma akapapula kano
ojja kumanya okuddibwamu kw’ebib-
uuzo binno:

1. Kiki ekyesoba ku nsi.
2. Lwaki ensi yasoba?
3. Ddala Katonda alina entekateka n’ensi eno?
4. Ddala Katonda alina enteketeka gy’oli?

1. Kiki ekisobu ku nsi yafe?

Bw’oba nga tokyikiriza nti tulina
ebizibu, wandiba ug’obade ku nsi
ndala! Omubolisi wa Amerika yagamba
nti: “*Tewali mpisa mu bantu. Wonna
kukola bitalimu. Waliwo obutagondera
mateeka n’ebisaye okukoleebwa.*”
Ebigambo ebyo biri mu bufunze obumala.

- Olw'abantu obutuba na mpisa kuleesewo obulyakke, obugwenyufu, okulwanagana, obutukozesa bulungi ddagala n'omwenge, okuwamba, okuwuuya, obubbi, okuyisa abana abato obubi, obukaba, n'obussi.
- Okukendera kw'empisa mu bantu n'akwo era kuleesewo obutali bumati-vu, okudukuduka, okw'eyagaliza n'ebi kolwa eby'ekissi.

Eby'obwegassi n'eby'enfuna bigenda by'awukanamu. Newakubade nga omuwendu gwabantu mu nsi gugenda gw'eyongerako obuwumbi attano n'okusingawo mu buli mwaka, abaana 10,000 n'okusobamu bafa buli lunaku olw'enjala n'obulwadde obutali bumu. Abantu bwebalekebwa bwe bati ku bwaabwe, ebiseera byaabwe eby'omumaaso bya nnaku nnyo. Kino kya nnaku nuyo.

2. Lwaki ensi esobye bweti?

Olw'obutaba na bugontu n'okugonera amabeeka bu Katonda kwe kuleese obubi obungi bwe buti. Okuva Olube-ryeberye, omuntu yesalirawo ekkubo lye, ye, mu kifo ky'ekkubo `ya Katonda. Adamu yayonoona, yajjemera Katonda nafe `abana' be, ne twonoona okuva ku olwo.

Yesu omwana wa Katonda, teyayonoona. Wulira nga bw'agamba, "*Kubanga mu mutima mure muva ebirowoozo ebibi, obussi, obwenzi, obukaba, obubbi, okuwaayiriza, okuvuma*" (Matayo 15:19). Binnu bya ntiisa nyo naye ng'ate bituufu. Omutume Paulo ayongerako nti: "*Entalo ziva wa n'okulwana kuva wa mu mwe? Si muno, mu kwegomba kwammwe okulwana mu bitundu byammwe?*" (Yacobo 4:1).

Katukitunulemu kino. Omuntu, awatali
Katonda, aba mu mbeera
ey'enuaku enyo ate nga talina ssuubi.
Embera y'omuntu essana kukyusibwa
mu. Naye t'oggwamu ssuubi: Kubanga
Katonda bwalisindika Yesu Kristo
Okudda ku nsi, ebintu bigenda
Kubeera birungi myo ddala.

3. Ddala Katonda alina entekateka n'ensi eno?

Kino kyo, kituufu nnyo! Baibuli,
ekitanol. Kye, etutegeeza ebikwata
ku kino byonna. Webuzze gwe
mwennyini nti: "*Biki ensi eno by'e-
yagala?*" Bw'omala gerageranyi
endowooza yo na binno: Omukulemb-
eze w'ensi – emirembe – obutalumwa
njnla – obulamu obulungi – abafuzi
abatubi baliyake – eddembe

okuva mu kutya n'okubonyabonyezee –
bwa – olulimi wmu – obutaba n'a –
bya kitwanyisa – amateeka ag'obw'enkanya
- okuyamba abanaku nabo abatali –
na wa kusula – n'obutonoona
mbeera ya butonde. Ate ekyisinga
obukulu, ensi yetaaga okumanyisibwa amateeka
ga Katonda, okugategeera n'okugagondera.

Katonda asubiza okuleetawo eb'intu
binno byonna, ng'ayita mu Yesu Kristo
ne mubayambi be abatufu
abaligabana ku butlafa. Baibuli
erina ekigambo kimu ky'ekozesa
ekyikwata ku kiseera eky'omukisa
kino: Ekiyita:

"OBWAKABAKA BWA KATONDA"

Eno yentekateka ya Katonda. Mu kiseera
ekizibu, ekyiri okumpi okujja ku nsi,
abantu *"ne balyoka balaba omwana"*

*w'omuntu ng'ajjira mu kire n'amaanyi
n'ekitiibwa kinene"*(Lukka 21:27). Aliba
ajja kutukiriza ekisubizo
ekyakoleebwa eri Malyamu, ne malayika
Gabulyeri: *"Mukama Katonda alimuwa
entebe ya Dawuki jjajjaawe, era anaf-
uganga ennyumba ya Yakobo emirembe
n'emirembe, so obwakabaka bwe tebu-
liggwaawo"*(Lukka 1:33).

Yesu akomawo okuba kabaka wa
Bayudaya. Naye ate, si eri Abbayudaya
boka. Ajja kuba kabaka w'ensi
yonna. Katonda tasobola kumenya
ndagaano ze. Yasuuliza Yesu nti:
*"Ndikuwa amawanga okubeera obusi'ka
bwo, n'ensonda ez'ensi okubeera amatwale
go."*(Zabbuli 2:8). *"Bakabaka bonna banaa-
vuunamanga mu maaso ge"* (Zabbuli 72:11).
*"Yesu aliba Kabaka wa bakabaka
ate Mukama w'abaami"*(Okubikkulirwa 19:160).

Kiriba kiseera kya mukisa eri abo
Bonna abaliwona obusungu bwa Katonda
eri ensi ne baba mu bwa kabaka.

Balifuna obulamu obulungi, abulamu
obw'emirembe ate n'e bamanya engeri
ya Katonda (Isaaya 35). *"Mu biro ebyo
baligita Yerusaalemi entebe ya Katonda
n'amawanga gonna galikujjaanyizibwa
eyo, eri erinnya Iya Mukama E Yerusa-
alemi"* (Yerimiya 3:17).

Waliwo ebintu bibiri ebyewunyisa ku
Katonda. Mu kulonda omwana we, Yesu,
okuba kabaka.

- Ekisooka, muntu ataliko kunenyezebwa
omutufu eri omulimu gunno, Lowooza
ku neyisa ye: teyalido kibi kyonna,
yalina okwagala, wa kisa, mugumikiriza,
ate ng'amaanyi ebyetaago by'abanaku.
Era yali nga talina kyadbya, endowooza
ye nnungi ate ow'amazima. Yalina
amaanyi n'obuyinza bwa Katonda.

Nga kabaka w'ensi, ebintu ebyo
birimwetagisa okubeera nabyo okufuga
amawanga.

- Eky'okubiri, olw'okuba nga teyayonoona
mu balamu bwe ku nsi, bulijjo ng'a-
kola Katonda byayagala, ng'amaze
okufa "*Katonda yamuzuukiza mu bafu*"
(Ebikolwa By'Abatume 2:24) n'amuwa obutafa. Ensi
beryaaga mufuzi mulata nate!
Alifuga okutusa abalabe ba Katonda
bonna lwe balizikirizibwa bonna.
N'ekisembayo alizikiriza ekikolimo
Kye kibi (1 Abakkolinso 15:25, 26).

4. Ddala Katonda alia entekateka ggoli?

Yee, Alina! Te kyewunyisa kuba
naawe olina enteketekayo mu bulamu
bunno. Obolyaawo etwalizamu binno.

- 1) Okuwasa nofune eb'omunyemba yo;
- 2) Okuba n'omulimu omulungi;
- 3) Okuzimba ennyumba enungi ne-
- 4) Kufuna okuwumuzibwa mangu ku

Mulimo.

Eri abantu bangi, ebigendererwa binno babyagala. Naye ate binno tebizinga entekateka ya Katonda gyalinayo eri abo bonna abamukkiriza, abamwesiga ate aba mu gondera kati.

Binno by'ebimu ku bisubizo bya Katonda:

a) Yesu bw'alidda n'azuukiza abafu era n'asala emisango gy'ensi, aliwa abo bonna abayagalanga Katonda ate bagonvu gyali obulamu obw'emirembe n'emirembe. Nga Paulo bwagamba, Yesu *"Aliwanyisa emibiri egy'okutoowazibwa kwaffe okufannanyizibwa ng'omubiri ogw'ekitiibwa kye"* (Abafiripi 3:21).

b) Abo ab'omukisas abaliweebwa obulamu obw'oluberera, balifuga ne Yesu mu bwakabaka bwa katonda, okumuyambako okuleeta omateeka ga Katonda

mu nsi yonna.

c) Abo abalinunulibwa baliyambako
Yesu okufuga amawanga okumali'ra
ddala e,bamga ery'obwakabaka, kubanga
*"Ne baba balamu ne bafugiranga
wamu ne Kristo emyaka lukumi"*
(Okubikkulirwa 20:4).

d) Abalonde ba Katonda tebalidda
yo kufa. Nga wamazo okubaawo
okuzuukira kw'okubiri ku nkomerero
y'emyaka lukumi, abalonde ba Katonda
bonna balibeera mu bwa kabaka
emirembe n'emirembe. Katonda aliba
"byonna mu byonna"(1 Abakkolinso 15:28).

Katonda by'ayagala

Entekateka ya Katonda eri
abadu be ogyigerageranya otya n'ey-
iyo? Olowooza si ngazi ate era
y'amaanyi?

Ddala bw'ekiri kinno. Ate yaluberera.
Enteketeka yo gy'olina ne bweba nga
eyiseemu, tesobola kuwangaala nnyo.
Osaanye omaanye ekintu kimu nte oli
muntu ow'okufa.

Katonda alina entekateka gy'oli. Oyagala
okubaawo emirembo n'emirembe mu nsi
ya Katonda empya? Kinno kisobaka
naye waliwo ky'osanye okukolawo.
Oli mwetegefu okumugondera kati?
Yesu agamba nti, "*Ng'aberera,*" ate nti,
"*oba nga munjagula, munaakwatanga
ebiragiro byange*"(Yokaana 14:15).

Katonda yasubiza nti: "*Buli akkiriza
n' abatizibwa alirokoka*"(Makko 16:16).
Yesu agamba nti bwaliddira mu kitiibwa
Kya kitaawe, "*atiasula buli muntu
nga bwe yakola*"(Matayo 16:27).

Eri abo ab'agalwa ba Katonda, olunaku
lujja "eweema ya Katonda awamu
n'abantu, era abatuulanga wamu nabo,
nabo banaabeeranga bantu be,
naye alisangula bulizziga mu maaso
gaabwe, era okufa tekulibaawo nate;
so tewaabengawo nate nnaku newa-
kubadde okukaaba, newakubadde
okulumwa: eby'oluberyeberye biwedd
ewo"Okubikkulirwa 21:3 ne 4).

Katonda tayagala osubwe olunaku
olwo, okukulu!